# Ab'e Bwaise bawakanya okugoba dayirekita w'essomero lyabwe

Bya SARAH ZAWEDDE





Abatuuze nga bakutte ebipande ebivumirira okugoba Kafuko. Mu katono ye, mubuulizi James Kyobe Mubiru.

ABATUUZE b'e Bwaise balumbye ekkanisa ya St. James e Bwaise nga bawakanya omubuulizi atwala ekkanisa awali essomero lya St. James Primary School, Bwaise, James Kyobe Mubiru, okugoba Charles Kafuko, dayirekita w'essomero lino.

Essomero lino lisangibwa mu Bokasa zooni mu muluka gwa Bwaise III mu Munisipaali ya Kawempe.

Lyazimbibwa aba Plan Uganda ku ttaka ly'ekkanisa ya St. James oluvannyuma lw'okukkaanya wakati wa KCCA n'abakulembeze b'ekitundu, n'ekigendererwa eky'okuyamba abatuuze bamufunampola okusomesa abaana baabwe.

Baasooka kuzimbako omwaliiro gumu ne wasigalayo emyaliiro emirala ebiri egyali gibulako, wabula ebibiina ebya wansi ne bitandika okuyingiramu amazzi g'ensulo, abayizi ne babulwa we batuula, ekyawaliriza KCCA okuliggala.

Emyaka ebiri emabega Kafuko yasaba ekkanisa n'emukkiriza okuliddukanya n'aliddaabiriza era we baamugobedde nga liweza abayizi 300.

Ssentebe w'ekitundu kino, Kawooya Kagimu yagambye nti, Kyobe essomero abadde aliddukanya bulungi nga tebamanyi lwaki yagobeddwa ate nga tebasoose wadde okwebuuza ku bakulembeze mu kitundu nga n'abamu batuula ku kakiiko akaddukanya essomero lino.

Wabula omubuulizi Kyobe yategeezezza nti, essomero lino ye yalizzaawo n'agamba nti Kafuko yagobeddwa era baaleese abantu abagenda okuliddukanya.

Yagasseeko nti, Kafuko yalimba mu nzirukanya y'emirimu ku ssomero lino. Baakola endagaano ng'alina okusasula 1,500,000/- buli ttaamu kyokka teyatuukiriza nga yabawaayo emitwalo 65 kwe yakoma.

Yagasseeko nti Kafuko yaweebwa ennyumba y'ekkanisa gye yafuula ekisulo ky'abayizi abawala kyokka mwe yateeka ne ofiisi ye, ekintu ekikyamu.

Omukubiriza w'Obusumba bw'e Kazo obutwala ekkanisa eno, John Katende yagambye nti ensonga zino bagenda kuzituulamu zigonjoolwe ng'olusoma olusooka terunnatandika.



Kansala Saaka Wamala ng'aggala essomero eryayingiramu amazzi nga kati limezeemu omuddo.

## Abantu kye bagamba



**Susan Okory:** Tuli bazadde bamufunampola era dayirekita Kafuko tumwenyumirizaamu ku ngeri gy'abadde atukwatiriddemu.



**Madinah Nsanja:** Twagala bwenkanya kubanga abazadde naffe tuli kitundu ku nzirukanya y'essomero lino era baalituzimbira ne balitukwasa.



**Alex Balyokuwabwe:** Tewali bwenkanya, Kafuko tumulwanirira kuba tumanyi embeera ebaddewo, bwe baba basazeewo okumwefuulira bamuliyirire.